ga Buganda bateebwe. Mu kiseera ekyo Sir Edward Muteesa II bwe yabeeranga akola emirimu gye nga Kabaka wa Buganda olwo nga abeera mu Lubiri e Mengo; ate bwe yabeeranga akola egy'obwa Pulezidenti olwo ate n'addayo okusula mu Gavumenti House e Ntebe.

## OKUKUNGUBAGA

Okusooka, Olukiiko lwa Buganda lwali lumaze okuyisaawo ekiteeso Gavumenti ya Buganda eteekewo olunaku olutongole wonna mu Buganda olw'okunakuwalirako olw'abasajja n'abakazi abaatirimbulwa abakuumi b'eddembe e Nnaakulabye ate oluvannyuma n'abaana b'e Kisubi. Katikkiro Mayanja Nkangi kye yava alangirira nti November 27, 1964 lwe lwali olw'okukungubaga wonna mu Buganda. Offisi za Gavumenti ne Kooti zonna ez'omu Bwakabaka zaggalwa era n'abantu bonna abeekozesa bokka baasabibwa okulekayo emirimu gyabwe beetabe mu kukungubaga kuno. Olw'okukungubaga lwakwatibwa wonna mu Bwakabaka bw'e Buganda. Oluvannyuma lwa bino, Akakiiko Akafuzi aka ***Kabaka Yekka*** kaatuula ne kalonda Owekitiibwa Mayanja Nkangi okuba Ssentebe wa Kabaka Yekka ng'adda mu kifo kya Michael Kintu. Ku lwa December 5, 1964, Olukiiko lwa Buganda lwalonda S. Masembe Kabali, agende ajjuze ekifo kya Buganda mu Nationala Assembly, Mayanja Nkangi mwe yava.

## DAUDI OCHENG ABOTOLA EGGAMBO

Ku ludda lw'enkolagana ya Muteesa ne Gavumenti ya Uganda nga Pulezidenti, tumaze okulaba nti omwaka gwa 1964 gwatadika n'ekikolwa kya Obote okugemula Buyaga ne Bugangazzi gabalibwe mu Bunyoro okutandika n'omwaka gwa 1965, nga tamaze na kulinda okujulira kwa Buganda ku nsonga eyo mu Kooti esingawo.



**Daudi Ocheng**

Buganda ng'ekyali mu kyobeera ekyo, Omubaka wa KY enjasabiggu mu National Assembly n'akawa§§amula. Awo nga mu makati g'omwaka 1965 n'abotola eggambo eryasuzanga abakulembeze ba UPC abamu



abakulu nga bakukunadde, anti nga y'emboozi eyogerwa mu Uganda yonna. Ocheng ye yali omu ku Banna – KY omunaana bokka abaali basigadde mu palimenti nga bannaabwe bamaze okusala eddiiro. Ng'awagirwako Omubaka wa DP Alexander Latim eyali akulembera oludda lw'ekibiina kye mu Lukiiko olwo, Ocheng yasooka kulwogereramu nga bwe waaliwo Bannauganda abamanyifu mu Ggwanga abaakukusa "***ettu***" lya zaabu "***n'ekinywa***" ky'amasanga g'enjovu nga babisomola okuva mu Congo (Zaire) ne babitunda, omudidi ogwavaamu ne bagwezza ne bakona. Mu kiseera kye kimu oluvuuvuumo olwabuna ne luvuuvuumirako ne mu mpapula z'amawulire lwagamba nti waaliwo enjuyi bbiri ezaali zirwanira obukulembeze bwa Congo eyo. Nti naye oludda olwali luliraanye ku nsalo ya Uganda, olw'okwagala okufuna ensimbi ez'okuguzisa eby'okulwanyisa, lwatuukirira Prime Minister wa Uganda alufunire ekkubo ery'okutunda zaabu n'amasanga bye baalina, abagulire eby'okulwanyisa bye baali beetaga.

Mu kwogera kwe eri abaali bamuwuliriza mu Palimenti, Daudi Ocheng yagamba nti mu February omwaka ogwo, 1965 Colonel Idi Amin, olwo nga muwagizi lukulwe owa Obote, ye yatumibwa ku nsalo ya Uganda ne Congo n'aggyayo zaabu oyo n'amasanga ne babyetundira omudidi ne bagukuba mu ka Waliggo. Bannanyinibyo baakanda kulinda na kubanja nga buteerere. Ekyavaamu ng'ebigambo bisattuse, Ocheng ne munne Latim kwe kusaba mu palimenti Minisita w'Eby'okwerinda Felix Onama asseewo okubuuliriza mu nsonga eyo amazima gadde mu musana. Kigambibwa nti Idi Amin bwe yawulira ebyo n'aswakiira obusungu n'akubira Latim essimu ng'amutiisatiisa ne Ocheng okubamiza omukka omusu. Latim bwe yayanjula mu palimenti, oluvannyuma Amin kwe kweddamu n'abeetondera mbu yali ayogezezza busungu. Ne Minisita Onama eyali asuubizizza okussaawo okubuuliriza, naye ekyo teyakikola ate abantu nga tebamanyi mazima we gayimiridde. Nga wayise ebbanga ggwanvu nnyo nga teri kanyego konna kava wa Onama, Ocheng kwe kuwa notisi nga bw'agenda okwanja ekiteeso mu palimenti ebya zaabu n'amasanga g'e Congo biteesebweko mu lwatu ensi emanye amazima.

## "KY KIWEREBWA"

Ebyo nga bikyali awo, nga wayiseewo omwaka mulamba kasookanga omukago gwa UPC/KY gufa mu September 1964, awo nga ne 1965 nagwo gusenberera okukongoka, aba UPC mu National Assembly kwe kwecwacwana ne batandikawo olujeejeemo nti ekibiina kya KY kisaana kiwerebwe. Ensonga gye baawa baagamba nti KY kibiina kya bakyewaggula abatagoberera mateeka era abaagala okutabulatabula eddembe mu Uganda. Abantu bangi baali bakwatiddwa era nga bali mu nkomyo na ddala e Luzira.



*Mayanja Nkangi ng'ayogera mu lukuŋŋaana lwa K.Y. ng'ekibiina tekinnawerwa*



## OBOTE YEKYUSIZA ABAAMUTUUSA!

February 4, 1966 Omubaka Ocheng lwe yasoosootola ekiteeso Kanaaluzaala nga kiri mu bitundu bibiri:

1. ***"Abantu abamu abali mu Gavummenti, nga begasse n'omu ku bakulu b'amagye ga Uganda bategeka okuggyawo Constitution eno eriwo, eya 19 62."***

2. ***"Ate Baminisita ba Gavumenti basatu baafuna zaabu nnyingi n'amasanga nga biva e Congo."***

Ocheng teyalwa n'ayogera nti, "....offisa w'amagye gwe njogerako ye ***Colonel Amin.*** Yagenda e Congo n'aleetayo zaabu n'amasanga bingi. Zaabu n'amasanga abantu abo bwe baamala okubifuna, Omuzungu omu gwe baabiwa n'abibatundira mu nsi z'ebweru era ne bafunamu ensimbi nnyingi ne bazigabana."

"Baminisita abasatu abaafuna omudidi be njogerako ye ***Prime Minister Dr. Obote, Minisita Nekyon muganda wa Obote ne Onama Minisita wa Defence."***

Era yategeeza nga ku akawunta ya Amin mu banka bwe kwaliko paunda 17,000 mu kiseera ekyo. Ng'amaze okwanjula ekiteeso, baakiteesaako n'ebbugumu lingi era n'okwennyamira. Onama, nga yekka ku bawawabirwa eyaliwo mu palimenti nga babateesaako, yasituka n'awakanya nnyo ebigambo bya Daudi Ocheng. Prime Minister Obote newakubadde nga yamanyirawo nti Ocheng yali ajja kwanjula ekiteeso ekyo mu palimenti, naye teyaliiwo. Yali agenze kulambula mu North.

Oluvannyuma Ocheng yaleeta ekiteeso ekirala, Colonel Amin okugira ng'awummuzibwako nga Gavumenti bw'ebuuliriza. Aba palimenti bonna nga n'aba UPC mwebali, baakisemba okuggyako Onama. Ekyavaamu Amin yayimirizibwa ku mulimu okumala sabiiti 2, era ekiragiro kyamuweebwa Minisita wa Defence, omw. Onama! Obote teyakomawo mangu, yayisaawo wiiki ng'emu n'akomawo luvannyuma ku lwa February 13, 1966 ng'ajjira mu nnyonyi n'agwa ku kisaawe e

Ntebe. Olwava mu nnyonyi n'atuuza olukiiko lwa Bannamawulire n'alyoka abategeeza nga bw'atalina ky'amanyi n'akamu ku ebyo byonna bye baali bamulumika. Oluvannyuma lw'ebyo yawalirizibwa Cabinet ye ne palimenti abeeko ne ky'akolawo ku nsonga ezo. Obote yalondawo akakiiko akabuuliriza mu bya zaabu n'amasanga era abantu bangiko baawa obujulirwa mu kakiiko ako, ebyama bingi ku kufuna n'okutunda zaabu n'amasanga ne bibikkulwa. Naye lipoota y'akakiiko bwe yaggwa teyagifulumya!



***Omulundi ogwasembayo Muteesa n'Obote nga bakyali mu gavumenti. Obote alabika nga ayogeza bukambwe***

Mu kiseera kino Obote yali mu kaseera kazibu. Cabinet ye ne palimenti gy'akulembera nga balabika bamuggyeemu obwesige; ate nga abasinga obungi mu bo ba UPC ekibiina ekyamutuusa ku bufuzi. Yali asigazza kwesiga b'amagye bokka. Bwe yalaba ng'ekkubo ery'okugoberera Konsitutyusoni y'Eggwanga n'Amateeka talina bw'anaabyabula, n'asalawo kuyita mu kkubo ddala nnyo. Okusooka okuyimiriza Col. Amin nga bwe baali bamulagidde yakigaana. Ate Brig. Opoloto n'amuggya ku bukulu bw'amagye n'abuwa Amin ng'amukuzizza. Ku



lwa February 22, Prime Minister ne Cabinet ye ne batuula era ne bamala ebbanga ddene nga bateesa. Naye okuteesa kwali kugenda okuggwa, kumpi nga ssaawa 6 ez'omu ttuntu, abaali mu kuteesa kyababuukako abaserikale ba Special Force 12 bwe baabandulawo oluggi ne beeyiwa mu kisenge mwe baali bateeseza. Mangu ago ne batandika okukwata Baminisita be baali bajjiridde okutuusa lwe baaweza batano bano:

1. Grace Ibingira, Minisita wa Justice era omubaka wa Ankole West.
2. George Magezi, Minisita wa State era omubaka omulonde mu ngeri ey'enjawulo.
3. Mathias Ngobi, Minisita wa Agric. & Coops era omubaka akiikirira Busoga South.
4. Dr. Emmanuel Lumu, Minisita wa Health era omubaka w'Olukiiko lwa Buganda.
5. Balaki Kirya, Minisita wa Works era yali mubaka wa Bukedi North Central.



***Magezi Ngobi Lumu Ibingira Kirya***

Olwamala okubakwata ne bagenda nga babasindiikiriza ne babateeka mu mmotoka ne babatwala mu kkomera e Luzira. Baminisita abo bonna baali ba UPC abatutumufu era bwe yamala okubakwata ku lwa February 22, Dr. Obote n'alangirira nga bwe yeddizza obuyinza bwonna obwa Gavumenti ya Uganda ng'agamba bw'ati:

***"Olw'okwagala okuteekawo obutebenkevu n'embeera ennungi mu ggwanga era n'okukuuma eddembe ly'abantu bonna, ku lunaku***

*lwa leero nga February 22, 1966, nneddizza obuyinza bwonna obwa Gavumenti ya Uganda. Okuva ku lwa leero, nja kuweebwanga amagezi okuva mu kakiiko bammemba baako bennaayora oluvannyuma. Kino nkikoze ku lwange nzekka, kubanga ntegeera bulungi abantu b'ensi eno nga bwe baagala emirembe, embeera ennungi era n'okukulaakulana.*

*Waliwo Baminisita abakwattiddwa olwa leero ne bateekebwa mu kkomera okutuusa okubuuliriza mu nsonga zabwe lwe kunaggwa. Nkubira omulanga abalamuzi abakulu n'abalamuzi abato, abakozi bonna aba Gavumenti, Bannauganda n'abo abava ebweru wa Uganda, ab'ebitongole ebikuuma ddembe era n'abantu bonna wamu, nga mbasaba mwongere okukola emirimu gyammwe nga bulijjo. Leka ntwale omukisa guno okukakasa buli muntu yenna nti wonna wonna kiri mulaala"*

## OBOTE AYIMIRIZA KONSITITYUSONI

Nga February 24, 1966 essaawa emu ey'ekiro, Prime Minister Obote, yalangirira ku Radio Uganda nga bw'ayimirizza Konsititusoni ya Uganda eya 1962. Konsititusoni gye yayimiriza nga y'eyo yennyini ku lw'okwefuga, October 9, 1962 gye yakwasibwa era n'akwata Baibuli mu ngalo n'agirayirira ng'ajjanga kugikuuma n'okugirwanirira. Mu kukola ekyo yagamba nti ayimirizza Konsititusoni ng'agenderera kuleetawo butebenkevu n'okwegatta awamu mu ggwanga. Era nti yagenderera kutaasa ggwanga lireme kugwa mu katyabaga mbu kubanga waaliwo abantu abamu abaali bagezaako okusuula Gavumenti nga beyambisa amagye agava mu nsi endala!

Abantu bonna bwe baawulira nga prime Minister akkakkanye ku consti-tution agisambajja ne bennyamira era ne batya. Abakozi ba gavumenti ya Buganda abaali bamanyidde okukolera ku mateeka n'ebiragiro, tebaamanya nti wayinza okubaawo omuntu yenna asobola okuyuzayuza amateeka g'eggwanga mu ngeri nga Obote bwe yali akoze olwo nga tewali amanyi kiyinza kuddirira. Wabula Sir Edward Muteesa, nga Presidenti wa Uganda, yeesowolayo n'awandiikira Prime Minister ebbaluwa ssatu ng'awakanya era ng'amulabula ku bikolwa bye ebyali bimenya amateka g'egwanga. Eno



y'emu ku bbaluwa ezo gye yawandiika nga 28 February 1966:
*"Nkuwandiikidde okukutegeeza nti ebiwanddiko byo ebya 22 ne 24 ebruary, 1966 bindetedde okweralikirira kunene nnyo, na ddala nga bwotobintegeezangako, nga bwe kirambikibwa mu consitution ya Uganda.*

*Mu kiwandiiko ekisooka kirabika ng'ogezaako okwetwalira obuyinza bwa gavumenti ya Uganda bwonna mu mikonogyo wekka. Kino okimanyidde ddala, nga nange bwe nkimanyi, nti toyinza kukikola kubanga okukola bw'otyo kuba kumenya constitution ya ggwanga. Mu kiwandiiko ekyokubiri, mw'ogambira nti constitution ogiyimirizza, tewali kitundu kyonna mu constitution eyo ekikuwa obuyinza obwo yadde okubuwa National Assembley.*

*Nninze nga sinnakuwandiikira nga ndowooza nti tooleme kweddamu olongoose ebyo bye wasobezza mu kwanguyiriza nga tebigoberera mateeka. Era mbadde nsuubira nti abawi b'amagezi bo tebaaleme kukuwabula mu kikolwa kino ekiyinza okutabangula ensi, ekintu ky'osaanide okwewala.*

*Muteesa, President.*

Ku lwa March 2, 1966 Obote lwe yafulumya, mu butongole mu Uganda Gazette, nga bwe yeddizza obuyinza, obw'okufuga Uganda nga buli mu mikono gye nga Prime Minister n'emirimu gyonna egibadde gikolebwa President. Era kyawulirwa mu lugambo nti waaliwo okukyusakyusa amagye ga Uganda, abatawagira Obote batwalibwe mu bitundu eby'ewalako ate abo abamuwagira be baba basembezebwa okumpi ne Kampala. Sir Edward Muteesa, Pulezidenti wa Uganda, naye mu kiseera ekyo yali atandise okweraliikirira nga tamanyi binaddirira. Ebigambo ebyateesebwako mu palimenti ebya zaabu n'amasanga, bimale bizingiremu ne Prime Minister we, byamwenyamiza. Newakubadde nga emabegako ebigambo ebyo yali amaze okubiwulirako nga babyogerayogera, naye yali tannamanya nga waaliwo obujulizi obuyinza okulumiriza Prime Minister ne banne mu ngeri eyo.

Muteesa bwe yalaba eby'amagye okwekulumulula ye nga tategeezebwako, ate nga ye yali Commander in Chief, n'alowooza nti osanga ab'amagye baagala kujeema kubanga baali baajeemako emabega eyo mu 1964. Kye yakola kwe kutandika okwogerako n'omubaka wa Bungereza e Kampala era n'Ababaka b'amawanga g'Abaddugavu abalala, ng'ayagala ategeere obanga amawanga gaabwe gayinza okuwa Gavumenti ya Uganda obuyambi singa wabaawo okujeema kw'amagye ga Uganda. Ate Brigadier Opoloto eyali aduumira amagye ga Uganda bwe yagendako ewa Pulezidenti okwebuuza ky'asaanidde okukola ku by'okukyusa amagye nga omuduumizi waago tategeezebbwako, Pulezidenti n'amugamba agende yeebuuze eri Akakiiko ka Baminisita kamuwe amagezi.

Aba Cabinet kwe kumuwa ebbaluwa esaba Prime Minister Obote akomewo mu Kampala, ne bamulagira agimutwalire mangu. Brigadier Opoloto yagenda n'ab'amagye batonotono okuwerekera ku Prime Minister ng'akomawo. Obote yasoma ebbaluwa n'ategeeza Brig. Opoloto nti ajja kubikolako era Opoloto ab'amagye be yagenda nabo yabalekayo n'akomawo bw'omu e Kampala. Oluvannyuma guno nagwo Dr. Obote yagufuula musango era n'aguteeka ku Muteesa nti yali atumye ab'amagye okumukwata bamuleete nga musibe e Kampala. Wabula Obote teyayogera kyabaziyiza kumukwata, sso nga baamusangawo!

Mu kiseera kye kimu Muteesa yaweereza kkopi z'ebbaluwa essatu ze yawandiikira Prime Minister eri ab'amawulire bazikube mu mpapula zabwe ensi yonna etegeere. Era ye Muteesa nga Pulezidenti wa Uganda, ekikolwa ky'okumenyawo Konsititusoni ya Uganda, mu ngeri y'obwannakyemalira yayagala n'ab'Amawanga Amagatte (U.N.O) bakimanye bategeere Uganda by'eriko. Kye yava yeekubira enduulu era obubaka bwe bwali busoma bwe buti:

*"Waliwo abantu bangi mu Uganda abatakkiririza constitution empya eteekebbwawo mu ngeri y'ekimpatiira. Abantu abo tebajja kukkiriza ne bwe banaatuusibwako okubonyabonyezebwa okw'engeri yonna.........Constitution yakolebwa omuntu omu era n'agireeta mu palimenti, eyali yetoolooddwa amaggye nga mu nguudo zo mu Kampala amaggye gekalakaasa.Mu kuyisa constitution eyo ababaka mu palimenti baali mu kutya ku biyinza kubatuukako*



*singa tebaakola kyali kibalagiddwa kubanga mu kuyingira palimenti baasooka kwazibwa. Constitution yayisibwa n'ababaka 55 ate abataakuba kalulu baali 33 so nga okukyusa obukyusa mu constitution kyali kyetaagisa ababaka 62 okugiyisa mu mateeka.*

*Prime Minister, Milton Obote, amaliridde okuteeka mu nkola ebyo byonna ebiri mu constitution ye empya ne bwe kinaaba kyetaagisa kukozesa maanyi. Ku luuyi lwa Buganda, Olukiiko olukulu nalwo lulumye amannyo nti terujja kukkiriza kikolwa kya kumenya constitution eyakkiriziganyizibwako abantu ba Uganda bonna. Ekikolwa kya Prime Minister kino kijja kuleetawo embeera etali nnungi mu by'obufuzi bwa Uganda okufaanana ng'eyo eri e Katanga (Congo)."*

Naye tewaali buyambi bwavaayo. U Thant, Omuwandiisi Omukulu ow'Amawanga amagatte yagamba nti ensonga ezo zaali za munda mu Uganda ekibiina kya UNO kye zaali kitasobola kweyingizaamu.

Ku lwa March 2, lwe nnyini era Obote yalangirira nti Kabaka Muteesa II yennyini ye yali asabye amagye okuva mu mawanga ag'ebweru gajje gazinde Uganda, era n'amusaako n'omusango nti yagaana okuteeka omukono ku mateeka agazaayo amasaza Buyaga ne Bugangazzi e Bunyoro bw'atyo n'alemwa okutuukiriza omulimu gwe nga pulezidenti wa Uganda. Teyakomawo awo, Obote era yayongerako omusango omulala ku Muteesa nti; "Mu bbanga ttono eriyise, pulezidenti yagaana okuggulawo palimenti."

Kino Muteesa yakiddamu nti ku olwo yatuma Vice pulezidenti we okuggulawo palimenti mu kifo kye. Enkeera nga March 3, Ssaabasajja Kabaka Muteesa, II, nga pulezidenti wa Uganda, yawandiikira prime Minister Obote bw'ati:-

*"Kaweefube gw'okoze okuleeta mu nsi muno obufuzi bwa nnakyemalira mu ngeri emenya Konsititusoni ya Uganda, era kwe wasinzidde okulangirira ebyo bye wayogedde eggulo, oteekwa okimanyire ddala nti abantu b'ensi eno ebyo tebabiwagira n'akatono. Ekyo naawe wennyini okimanyidde ddala. Byonna by'ogenderera kati byeraga byokka nti ssi by'ebyo omuntu alina*

*omwoyo ogw'okukolera ensi ye by'ateekwa okukola. Oteekwa omanye nti essanyu n'embeera ennungi ebya Uganda byonoonese olw'ebyo by'ogenda okola okuviira ddala nga February 22, 1966 ate nga biri bweru wa Konsititusoni."*

*"Abantu b'omu nsi eno n'ensi zonna ez'ebweru, abalowooleza mu demokulasi, tebagenda kukkiriza n'omulundi n'ogumu ebikolwa eby'okunyakula obuyinza Konsititusoni yennyini bw'eragira ddala nti pulezidenti alondebwa palimenti sso ssi muntu mulala yenna. Nze ku lwange siyinza kusemba mulundi n'ogumu ebyo byonna by'okoze mu ngeri emenya amateeka. Ka nnyongereko na kino nti, ebikolwa byo bifuuse bya kabi nnyo kw'ebyo ebiriwo mu baganda baffe abalala mu Africa. Kubanga buli kisobyo kyonna ekiba kikoleddwa kyongera kuzitoya migugu gye balina gye batakyasobola kwetikka".*

*"Embeera eriwo mu nsi yonna ewanise abantu emitima. Kitwetaagisa okulaba nti tukola kyonna ekisoboka okuggyawo obweraliikirivu obwo sso ssi kubwongera bwongezi.*

*"Ndandibadde situukiriza buvunaanyizibwa bwange singa nkulekamu akakunkuna ojja kusuubira nti abantu b'ensi eno bayinza okusemba ebintu by'okoze ebimenya Konsititusoni. Eby'okulabirako nkumu nnyo ebirabise buli wantu mu ggwanga ebiraga nti abantu baffe tebagnda kukkiriza kunyomoola okutegeera kwabwe.*

*"Njagala ebbaluwa eno ogisome wamu n'eyo gye nakuwandiikira ku lwa February 28, 1966."*

*Sgd, MUTEESA, PRESIDENT*

Ebbaluwa yali ewakanya ekikolwa kya prime Minister okugoba abantu Kabaka be yali atumye, Obote n'abagaana okuyingira mu State House e Ntebe okuggyayo ebintu bye. Nga bwe yakola ku bbaluwa eyasooka era n'eno ebbaluwa prime Minister teyagiddamu. Wabula oluvannyuma yayisaawo ekirangiriro nti Muteesa ayinza okutuma mu State House



aggyeyo ebintu ebyo byokka ebibye ku bubwe ebitali bya Gavumenti. Kyokka Kabaka teyatumayo. Ekyavaamu oluvannyuma, nga ne Obote ennyumba amaze okugyesogga, baasiba ebintu ebyo bo bye baalowooza nti bya Muteesa eby'obwannannyini ne babitikka ku loole ne babitwala mu Lubiri e Mengo.

Nga March 8, 1966 Baminisita abataano abakwate baatuusibwa mu Kooti e Kampala, kyokka Chief Magistrate, n'abasindika baddeyo e Luzira. Oluvannyuma buli omu yaweebwa ebbaluwa ezibategeeza nga bwe baakwatibwa mu tteeka lya "Deportation Ordinance", eriragira kuwa§§angusa mbu lwa kuba:

1. Beeyisa mu ngeri ya kabi emalawo eddembe n'obutebenkevu mu Uganda.

2. Baagezaako okuleetawo obulabe wakati w'abantu ne Gavumenti ya Uganda.

3. Baali basalidde Gavumenti enkwe era n'okugiryolyoma.

Newakubadde nga Baminisita bano baabatwala mu Kooti ezitaali zimu era buli Mulamuzi asala ensonga zaabwe n'alagira bateebwe naye Gavumenti ya Obote teyabayimbula. Bwe batyo baabeera e Luzira okumala emyaka 5 okutuusa January 1971 pulezidenti Idi Amin lwe yabaggyayo wamu n'abalala bangi ne badda ewaabwe.

## OBOTE ALUMBA OLUBIRI LWA KABAKA

Ku Lwokubiri May 24, 1966 essaawa 11:30 obudde nga busaasaana, amagye ga Uganda n'aba Special Force nga gaduumirwa Idi Amin gaalumba Olubiri lwa Kabaka Muteesa II e Mengo. Mu kiseera kye kimu, ab'amagye abalala baasaasaanira ebyalo byonna ebiriraanye Mmengo ne bagenda nga bakuba emmundu waggulu mu bbanga, mpozzi okuziyiza abandizze okuddukirira Kabaka.



*KABAKA N'ABALWANYI BE BEETEGEKERA OLUTALO*

Emmundu zaatokotera mu Lubiri ne mu kitundu ekyo Ndeeba ne Kibuye okuva enkya mu matulutulu okutuusiza ddala eyo ku ssaawa nga kumi n'emu ez'olweggulo. Mu biseera ebimu yawulirwangayo emizinga egivuga naye nga ebiseera ebisinga zaalinga mmundu zino entono. Zaagiranga ne zisiriikirira, nga ate ziddaamu okuvuga okutuusiza ddala olweggulo.



*ABASERIKALE BA GAVUMENTI BEEKOLA EKIGENYI MU LUBIRI*



Essaawa bwe zaatuuka kkumi ez'olweggulo ne balyoka basindula ezzinga eryabwatuka n'ekibuga kyonna ne kikankana n'amadirisa g'ebizimbe ne gakubagana. Ezzinga lino lyakuba ebituli ebigazi mu bisenge bya Twekobe Empya ne bijula n'okugisuula. Olweggulo eŋŋambo ne zigenda nga ziyitiŋŋana nga bakakasa ekyo abantu kye baali batya nti:
***"Kabaka Muteesa II bamusse n'abasirikale be bonna tekuwonye n'omu awamu ne Bakaawonawo ba Ssematalo ow'okubiri (1939 – 1945) abaali ebweru w'Olubiri".***




*KABAKA AFULUMA OLUBIRI*

Kyokka era waaliwo abatonotono abaagamba nti Kabaka yali avudde mu Lubiri n'adduka mu kiseera enkuba we yali etonnyera ennyingi. Abantu baasula bubi nnyo ekiro ekyo nga bali mu ntiisa ne mu nnaku eteyogerekeka!! Enkeera nga May 25, amawulire ne gasaasaanira e Kabowa nti Isaka Buwule, omu ku abo abaakolanga e Nkuluze mu Lubiri ***"akomyewo mu maka ge era agambye nti Kabaka Muteesa tebaamusse, yavudde mu Lubiri n'adduka".***

Olwawulira ebyo abantu bangi ne badduka buddusi kugenda ewa Isaka Buwule, n'abakakasa nga Kabaka bwe yali avuddemu mu Lubiri, nga naye tekimannyiddwa gye yali. Era yagamba nti abantu bangi baattibwa era nti emirambo egyali mu Lubiri mingi nnyo, naye okusinga nga gya baserikale ba Special Force aba Obote. Ye Buwule ne banne baasula

bekweese waggulu mu nnyumba y'e Nkuluze, naye enkeera ne balinnya ekisenge ky'Olubiri ku luuyi lw'e Katwe, ne bagwa ebweru ne badduka. Buwule yaddamu okukakasa nga Kabaka bwe yadduka ng'amasasi n'eby'okulwanyisa, Kabaka n'abasajja be, nga bibaweddeko. Emirambo egyagwa mu Lubiri ku lunaku olwo, amagye ga Obote gaamala ennaku nnya nga bagisombera mu mmotoka z'amagye nga bwe bakwata n'abantu abataali b'amagye okubatwala mu Lubiri okuttika emirambo ku mmotoka. Omusajja ayitibwa Pasikali Jaza eyakwatibwa ab'amagye ne bamutwala mu Lubiri okugenda okutikka emirambo ku loole z'amagye yagamba nti; emirambo gye yalaba mu Lubiri nga giringa ebinywa by'essubi eryaalire. N'omuwandiisi ono yennyini yalaba omusajja omu ow'e Najjanankumbi n'amutegeeza nga bwe baamukwata ku lwa May 25 ne bamutwala mu Lubiri okutikka emirambo, ate ne baddamu ne bamukwata ku lwa 27 era ne bamuzzaayo mu Lubiri okutikka emirambo egyattirwa mu lutalo olwo.



Eby'abajaasi ba Obote okuba nga be baasinga obungi mu mirambo egyali mu Lubiri bamale bagisombere ennaku ennya byakakasibwa oluvannyuma lwa sabbiiti nga bbiri bwe baateeka ekirango ku ladio ne bayita abaserikale aba ***bodegaadi***, abaggazi n'abagalagala abalala abaalinga bakola mu Lubiri bagende bafune empeera yaabwe ey'omwezi



ogwo. Kyewuunyisa okulaba ng'abaserikale ba Kabaka aba Bodegaadi abasinga obungi n'abagalagala nga weebali okuggyako abatonotono abaattirwa mu lutalo n'abalala abaatwalibwa nga basibe e Luzira. Mu abo abasajja ba Kabaka abaattirwa mu lutalo luno mwe mwali Benedicto Kibirige, omukulu wa Bodegaadi; Masembe, eyali omukulu w'Olubiri; Turker Ddungu Lwanga, eyali Omuwanika w'e Nkuluze, Mpungu owaggombolola y'e Makulubita ne Mubiru ow'e Kabowa eyali akola e Nkuluze. Abantu bangiko, abamu nga ba Bodegaadi ba Kabaka abaali mu lutalo, abaakakasa nti emirambo gy'abamagye ga Obote mu Lubiri gyali mingi okusinga egy'abasajja ba Kabaka. Gyalinga mu yunifoomu z'amagye ga Obote.

Ab'amagye bwe baawamba Olubiri, amayumba mangi ge baasangamu baagookya ne bookya ne Bulange Enkadde ne offisi ezimu ezaali empya. Ebintu byonna bye baasanga mu Twekobe zombi ne mu mayumba amalala byonna baabinyaga ne babitwala ne babyonoona. Mu bye baayokya ekyasinga obukulu ze ŋŋoma z'Obwakabaka, nnyingi ku zo nga zaava dda nnyo ziri mu Lubiri. Wewaawo waaliwo ezimu ezawoonawo ezitaali mu Lubiri naye nga ze ntono. Mu zaali ziwonyeewo ez'ekitiibwa ennyo, mwe mwali "***Ttimba***" eyajja ne Ssekabaka Kimera ng'ava e Bunyoro. Akalombolombo ka Buganda ak'obutakuumira Mujaguzo munda mu Lubiri ke kaayamba eŋŋoma ezimu ne ziwona.



*TWEKOBE NG'ABASERIKALE BAMAZE OKWEKOLA EKIGENYI*

Abantu abalala abataali balwanyi abaasangibwa mu Lubiri abamagye baababawaamba ne babatwala mu kkomera e Luzira. Bangi gye baabeeraa okumala ekiseera. Mu abo mwe mwali Nnaabagereka ne Sarah Kabejja, Nnaalinnya Mpologoma, n'Omulangira Ssimbwa bwe baamukwata baamukuba nnyo ne bamumenya n'omukono kubanga gwe baali bayita Muteesa II. Amangu ddala ng'olutalo lwakaggwa Gavumenti ya Uganda yalangirira "Amateeka ag'Akabenje" mu Buganda yonna. Gavumenti yasindika abaserikale wonna mu masaza ga Buganda okuzzaawo emirembe kubanga mu bitundu ebimu nga e Masaka n'e Bulemeezi, yaliyo obusambattuko poliisi bwe zaaumbwa. Kyategeezebwa nti amaka ga I.K. Musaazi, agaali e Nnakaseke, Bulemeezi gaayokebwa era n'ebirime by'abantu ne byonoonebwa.

## OKUWONA KWA MUTEESA

Muteesa ne basajja be okuva mu Lubiri baalinnya kisenge ekyetoolodde Olubiri ne bagwa ebweru nga bakozesa amagezi gaabwe ag'ekijaasi. Awo wabweru baasangawo emirambo mingi egy'amagye ga Obote naye tebaasangawo baserikale. Bwe baava awo ne balabawo omuntu eyalina mmotoka eya taxi n'abatwalako n'abatuusa ku nnyumba ya ba White Fathers e Lubaga. Abakulu abo baakkiriza kusuzaako abantu basatu n'emmundu zaabwe. Awo baavaawo ng'obudde bunaatera okukya olw'okutya nti basajja ba Obote bwe banabasangawo bajja kuvunaana ba Father abo Okuva awo e Lubaga baali batandise olugendo lwabwe oluwanvu nga lulimu ebizibu ebitalojjeka era emirundi mingi



*Awo yali awummuddemu oluvannyuma lw'okutambulira ebbanga eddene*



kata Ssaabasajja alemererwe okutuuka gye yali asuubira obuyambi singa tebaali basajja be n'abazaana be abaakola buli kye baali basobola okuwonya obulamu bwe.

Olugendo luno lwabatuusa ku mbuga ya Sebwana naye oyo tebaamusangawo olwo ne beeyongerayo okutuuka ewa musajja we Juma Tomusange Katambala e Lukalu. N'oyo tebaamusangawo ng'agenze Buwalabu mu lugendo olutukuvu.Wabula Omukyala wa Tomusange yayamba nnyo nga bali n'Omumyuka wa Katambala, Omwami John Kasangira ne Haji Kavuma oluvannyuma eyafuuka Katambala. John Kasangira yalagira eggwanika ly'essaza okuggulwawo ensimbi zonna ezaalimu ziweebwe Ssaabasajja zimuyambe mu lugendo olwali lutamanyiddwa buwanvu bwalwo.Okuva wano Kabaka yatwalibwa ewa Hajj Bumali Kamoga naye eyasalawo akulemberemu Kabaka okumutuusa ewa mukulu we JumaLubega e Kiwaala. Awo e Kiwaala Kabaka we yasooka okuwummulira okumala ennaku nga basajja be bwe banoonya amakubo agaali gasoboka okumuddusa.

Kinajjukirwa ng'abantu ba Kabaka baali bazibye kumpi amakubo gonna amanene okulemesa abaali balowoozebwa okugenda nga bawondera Kabaka mu kudduka kuno. Obuzibu obusooka mu kwerula amakubo bwali awo e Kalamba mu Butambala era wano ne Kabaka yakwata embazzi okwerula ekkubo asobole okuvaawo. Obuzibu bwali bwe butyo okutuukira ddala e Sembabule mu Mawogola Kabaka gye yekweeka ku nsiko okutuusa lwe yatumira musajja we, ***Omulangira Kitayimbwa Kabumbuli***. Wano e Sembabule Kabaka yamalirawo ddala essabiiti ezawerera ddala bbiri nga Kitayimbwa asala amagezi ag'okuwonya Kabaka we. Oluvannyuma enteekateeka zamalirizibwa Kabaka n'asitula okuva e Sembabule okwolekera ensalo ya Uganda ne Congo ng'ayitira e Kabale basajja ba Kabaka Abaganda abaali bakulira ensonga zo ku nsalo bwe baamusobozesa okufuna ebiwandiiko bye yali yetaaga okutuuka e Bujumbura mu Burundi nga ali mirembe.. Kinajjukirwa nti mu kiseera ekyo Burundi nayo yali ekyafugibwa Kabaka. Awo Kabaka Muteesa we yayima n'akubira Gavumenti ya Bungereza emuwe obubudamo.

Mu kitabo kye The Desecration of My Kingdom, kye yawandiika ng'atuuse e Bungereza, yagaana okwogera amannya g'abantu abaamuyamba mu buzibu buno bwe yalimu olw'okutya nti gavumenti yandibakoze akabi. Naye wetuwandiikidde ekitabo kino nga bangi ku bantu abo baafa dda naye be twamanyaako tusobodde okuboogerako ensi ebamanye awamu n'okubasiima olw'okwewaayo okuwonya obulamu bwa mukwano gwaffe Ssekabaka Muteesa. Ensonga endala etuboogezza lwa kuba nti embeera y'obufuzi kati yakyuka nga tewakyali ayinza kubakola kabi konna.



*Abo be basajja be abaamukuuma mu lugendo lwe lwonna*



Wano mu Uganda amawulire agaasooka okwogera nti Kabaka Muteesa yalabwako nga mulamu era n'ekifo mwe yali okuva lwe yadduka okuva mu Lubiri e Mmengo ku lwa May 24, gaafulumira mu mpapula z'amawulire ez'e Kenya. Amawulire gaagamba nti Edward Muteesa ali Bujumbura mu Burundi gye yatuuka nga ali mu mmotoka eyamuggya e Congo ng'ali n'abantu be 5. Era ne gategeeza nga bwe yakwatibwa omusujja gw'ensiri ezaamulumira ku nsiko gye yali yekwese nga avudde mu Lubiri.

## OBOTE ATEEKATEEKA OKUKOMYAWO MUTEESA

Amangu ddala nga yakawulira amawulire ago, pulezidenti Obote yategeeza nti newakubadde nga Uganda terina ndagaano na Burundi ya kuwanyisiganya bantu ababa bavudde mu nsi emu okulaga mu ndala, naye bwe kirikakasibwa ng'amawulire ago matuufu, Gavummenti ya Uganda yali ya kutegeeza Gavumenti ya Burundi nga Muteesa bwe yali tannava kuno, yaleka amaze okuzza emisango egimenya amateeka Gavumenti yali egenda kutegeeza Burundi nga bwe kiri ekikulu ennyo amawanga ag'omuliraano okusigala nga gakolagana bulungi mu ngeri y'omukwano. Uganda esuubira nti Burundi n'amawanga amalala agagiriraanye gagenda kuyamba Gavumenti ya Uganda mu kusaba kwonna kw'eriba egasabye ku nsonga z'emisango egyazzibwa Muteesa.



KABAKA ALINDA ENNYONYI OKUGENDA E BUNGEREZA

Bagamba nti Ekkumi terikyawa omu. Dr. Obote bwe yali akyateekateeka okusaba Burundi emuddize Muteesa olw'emisango gye yagamba nti yagizza, yo Gavumenti ya Burundi, nayo mu kiseera ekyo eyali ekyafugibwa Kabaka nga Buganda bwe yali, yali ekola kyonna ky'esobola okulaba nga Muteesa atuuka e Bungereza nga abamunoonya tebannamutuukako. Era bw'atyo yamala ennaku ntono mu Bujumbura n'afuna ennyonyi eyabatwala e Bungereza nga bayitira mu Brussels, ekibuga ekikulu ekya Belgium.

Omulangira Henry Kimera, emmundu okutandika okuvuga nga mu Lubiri mwali, oluvannyuma naye yeemulula n'avaamu. Era yasobola okugenda nga yekweese okutuusa lwe yatuuka e Nairobi. Muteesa nga tannatuuka Bungereza, Kimera ye yali asoose okutuukayo nga ava e Nairobi n'ategeeza ab'amawulire mu Bungereza nti Muteesa yali yekweese mu byalo bya Buganda nga akuumibwa abantu abatonotono abaali bakyamulinamu obwesige. Aba Gavumenti ya Bungereza bwe baabuuzibwa obanga Omulangira Kimera anakkirizibwa okubeera mu Bungereza, baddamu nti Gavumenti ya Bungereza eyinza okuwa omuntu yenna obubudamu ng'adduse bya bufuzi mu nsi yaabwe. Kyokka kye yali tagenda kukola kukkiriza omuntu yenna okuyima ku ttaka lya Bungereza n'ayiwa olunyata olw'eby'obufuzi ku nsonga eziri mu Uganda. Ekyaddirira ge magye ga Uganda okulumba ebitundu ebirala ne gawamba Ekikaali ky'Omugabe wa Ankole, n'eky'Omukama w'e Toro n'eky'Omukama w'e Bunyoro. Tewaali muntu yenna yagalwanyisa. Omugabe n'Abakama bombi ne bagobebwa ku bufuzi, Gavumenti ya Uganda n'eteesa okubawanga pensoni. Muteesa II yekka y'ataaweebwa pensoni. Nnaabagereka Gavumenti yamuwaayo akavangata k'ensimbi nga akasiimo, n'akalya nga bw'ajjukira olugero olugamba nti "Bakuteeseza kukumma ng'ate ggwe ozira?"

## OBOTE ASATTULULA BUGANDA

June 10, 1966 Obote yalangirira nga okuva ku lunaku olwo eyitibwa Gavumenti ya Kabaka oba Gavumenti ya Buganda yali egyiddwawo, Buganda yonna ne salibwaamu disitulikiti nnya (4 districts)".

1. East Mmengo District, nga ekitebe kyayo kiri Bombo. Secretary General, B.X. Kavuma.



2. West Mmengo District, nga ekitebe kyayo kiri Mpigi. Secretary General, C.K. Efulu.

3. Masaka District, nga ekitebe kyayo kiri ku Ssaza e Masaka. Secretary Gene ral, A.B. Mwanje.

4. Mubende District, nga ekitebe kyayo kiri Mubende. Secretary General, Sheikh Buwembo.

Zonna nga zifugibwa butereevu Gavumenti ya Uganda. Omulimi ogw'okugabanya ebintu bya Gavumenti ya Buganda n'abakozi baayo mu Districts gwamalira ddala mwaka mulamba. Na buli kati bangi bakyesisiwala bwe bajjukira nga bwe baalaba ebitabo n'ebiwandiiko ebikulu eby'Obwakabaka bwa Buganda nga ab'amagye babitadde ku nkoomi wabweru wa Bulange Empya babyookya!

Semeyi Sevume, omu ku bakulu abaasembayo okukolera mu Bulange Empya, asaana kwebazibwa nnyo kubanga ye yasobola okukuŋŋaanya ebitabo n'ebiwandiiko By'obusika bwa Buganda ebyalinga mu offisi za Katikkiro n'ebitabo ebirala n'ebiwandiiko ebyalinga mu Lukiiko ne Land Office, n'abikuŋŋaanya n'abiweereza e Kampala mu offisi ya Administrator – General gye byakuumirwa nga bikozesebwa bulungi emirimu gyabyo.

## MUTEESA ATUUKA MU BUNGEREZA

Amawulire "Uganda Argus" olwa June 25, 1966, lwayogerwa nti:
***"Sir Edward yatuuka ku kisaawe ky'ennyonyi eky'e London nga awerekerwako basajja be babiri Joshwa Katende ne George Maalo. Baatuuse e London nga bava mu kibuga Brussels (ekya Belgium) ennyonyi yabwe gye yayimirirako katono nga bali mu lugendo lwabwe olwabaggye e Bujumbura, ekibuga ekikulu ekya Burundi. Kabaka Muteesa yalabise nga mukoowu oluvannyuma lw'okumala wiiki nnya ze bamaze mu kkubo nga badduka okuva mu Uganda. Nga atuuse ku kisaawe ky'ennyonyi yayanirizibwa Bannauganda bangi wamu n'aba television. Olw'okubanga Sir Edward Gavumenti ya Bungereza yasazewo kumuyisa nga omuntu wa bulijjo, nolwekyo tewaabaddewo amubaka wa Gavumenti yenna yatumiddwa***

*kumusisinkana ku kisaawe ky'ennyonyi. Anti Obote yali amaze okubakubira essimu nti temumuyisa nga pulezidenti wa Uganda.*

*Mu London kyabadde kisuubirwa nti Kabaka anaatuukira wamu ne Katikkiro we Mayanja Nkangi, naye eyadduka okuva mu Uganda nga bamaze okukuba Olubiri lwa Kabaka. Naye Muteesa talina kyonna kye yayogedde ku Mayanja Nkangi wabula yategeezezza nga bwe yeraliikirira ennyo olw'abantu b'amakaage abali mu Uganda. Mu kutuuka Sir Edward yabadde ayambadde esaati eya khaki nga tasibye taayi era nga ataddeko ekooti eya kawembawemba.*

*Amangu nga yakatuuka mu London, Sir Edward yagenze mu kimu ku bisenge bya televizoni era ne bamulaga butereevu ng'ayogera. Mu kwogera kwe yazzeemu okunnyonnyola eby'kubomba kwe okuva mu Lubiri e Mmengo. Kirabika nga tajja kuba na bingi bya nnyo by'annyonnyola ku byamutuukako, kubanga kigambibwa nti Gavumemti ya Bungereza yamutuukiridde ne musaba mu mwoyo mulungi aleme kwasanguza nnyo ebintu ebyo ssi kulwa nga kireetawo enkolagana yaayo ne Uganda okwonooneka."*



*MUTEESA NG'ATUUKA MU BUNGEREZA*



Ago nno gaalabika nga ge mawulire amatongole Gavumenti ge yafulumya mu kiseera ekyo okutegeeza nga Sir Edward bwe yali abasimattuse. Ebifaananyi ebyabakubibwa nga baakatuuka mu London byalaga Kabaka nga yali mukoowu era nga mweraliikirivu nnyo. Naye okweraliikirira okusinga obunene kwalabikira ku basajja be babiri be yali nabo, Katende ne Maalo, abaalina obuvunaanyizibwa obunene bwe butyo obw'okukuuma Kabaka waabwe n'okutaasa obulamu bwe ebbanga eryo lyonna lye baamala nga badduka. Ebyabatuukako bonsatule bifaanana okunyweza enjogera y'Abaganda egamba nti ***"Omusajja akulubala n'atafa."***

Abakulembeze ba Gavumenti ya Uganda baali bamaze okugamba Gavumenti ya Her Majesty the Queen, obutawa Muteesa sente n'emu yadde obuyambi obulala bwonna. Era nabo bwe baakola. Bangi mu Uganda yonna bassa ekikkowe, ne beebaza Katonda bwe baawulira nti Kabaka Muteesa II yatuuka mu Bungereza mu London nga June 23, 1966. Nga atuuse e Bungereza, yayongera okubeera obubi olw'omugongo ogwamukutuka ng'abuuka ekisenge ky'Olubiri. Nga yakatuuka mu London yatwalibwa mangu mu ddwaliro era bwe baamuteeka mu kyuma eki kebera ne balaba nga waaliwo akatundu ku nkizi akaabetenteka era na bagamba nti embeera ye ejja kugenda ng'erongooka mpola. Newakubadde nga Muteesa Gavumenti yamusuula, naye mikwano gye Abangereza tebaamwerabira. Baamuyamba nnyo okutuusa lwe yafa. Nga mu bano mwe muli Capt. Ronald Owen, Major Carr Gomm, Bishop Stuard, E. Haddon, n'abalala.

Omw. Joshwa Mayanja Nkangi eyali Katikkiro we, naye oluvannyuma yatuuka mu Bungereza mu makati ga July, 1966 nga agenda agubagguba ng'awondera mukama we Kabaka Muteesa II. Yategeeza nti bwe yava ewuwe e Butikkiro ku lwa May 24, 1966 yaddukira mu Bulange Empya n'abeera omwo okutuusa lwe yafuna essimu ng'emutegeeza nga Kabaka Muteesa II bwe yali amaze okudduka okuva mu Lubiri nga mulamu. Olwo ye yagenda n'abeera mu kifo ekimu ekiri mairo 6 zokka okuva e Kampala, gye yava n'agenda nga yebbirira mpola okutuusa lwe yatuuka e Nairobi mu Kenya gye yava n'akwata ennyonyi eyamutuusa mu London eri Kabaka we.

## EBYADDIRIRA OLUTALO LW'E MMENGO

Ku ntandikwa ya June 1966, olutalo olwawamba Olubiri nga lumaze okuggwa, Gavumenti ya Uganda yayisa ebira ngo ku radio emirundi n'emirundi nga bakowoola abantu abamu ab'e Buganda poliisi be yalinga yeetaaga mu kubuuliriza okw'amaanyi ennyo kwe yaliko nga eyagala okuzuula ensonga ezaavaako Kabaka Muteesa II okusala ejjeemu, n'okwagala okusuula Gavuumenti ya Uganda. Ate era poliisi ng'ebuuliriza emanye ensonga ezaavaako Olukiiko lwa Buganda okuyisa ekiteeso ekigoba Gavumenti ya Obote ku ttaka lya Buganda, Olukiiko kye lwayisa nga May 20, 1966.

Naye nno eby'okulumba Olubiri nga tebinnabeerawo, Obote yali asoose okukubira Katikkiro Mayanja Nkangi essimu nga amusaba agende gy'ali mangu amulabe kubanga waaliwo ensonga enkulu gye yali ayagala okumutegeeza. Yamuyita essaawa ttaano ez'ekiro! Katikkiro bwe yamanya nga wayinza okubaawo olukwe, n'ategeeza Dr. Obote nti obudde bwali buyise nnyo nti naye obanga ensonga yali nkulu kirungi amuwandiikire.

Ebyo awo we byakoma. Era oluvannyuma lw'olutalo, Gavumenti ya Uganda Katikkiro yamunoonya nnyo n'abula ne bamukoowoola ku radio ne mu mawulire naye nga talabika. Awo Dr. Obote kwe kudda ku radio n'ayogerera Katikkiro ebigambo bingi nnyo nga bwe yetaaga ye yennyini era nga bwe yagezaako emirundi esatu okusisinkana ne Katikkiro wa Buganda naye ne kitasoboka. Obote yasaba Muteesa ategeeze mu lwatu nga bweyalekulira Obwakabaka nti nno olwo alyoke amuwe obutitimbe bw'ensimbi naye Muteesa n'agaana n'agumira okufiira mu bwavu nga taseguliddde bantu be. Mu May 1966, Baminisita ba Buganda abaali basigaddewo bwe baaku§§aana mu Bulange ne balaba nga Katikkiro taliiwo era nga tewali amanyi na gy'ali, baateesa ne bafulumyawo ekirangiriro nga bakubira abantu ba Buganda omulanga okubeera abateefu, n'okukuuma amateeka n'eddembe. Oluvannyuma gavumenti yayita abantu bano beyanjule ku kitebe ekikulu ekya bambega e Kampala: ***Mayanja Nkangi***, oyo teyajja, ***C.Kaggwa***, Omubakamu lukiiko akiikirira Rakai era eyaleeta ekiteso ekigba gavumenti ya Obote ku ttaka lya Buganda, ***Amos Sempa,*** Omukulembeze wa Kabaka Yekka mu National Assembley, E.M.Kalule, Speaker w'Olukiiko lwa



Buganda, Nathan Matovu, Information Officer mu gavumenti ya Kabaka ne Serwano Kigozi, Owessaza Kaggo. Okuggyako Kaggwa eyatwalibwa n'asibirwa e Luzira, abasigaddewo baateebwa n e beddira mu maka gabwe oluvannyuma lw'okubuuzibwa akana n'akataano.

Ate oluvannyuma Baminisita ba Buganda abataano ne ba officer abalala baaweeebwa notice nga beetaagibwa ku polisi era be bano: ***A.D. Lubowa, Saulo Lubega, Dr.S.B.Kisekka, Mohamud Ntege- Lubwama, Francis Walugembe,*** Emmanuel ***Lule eyali Omuwandiisi w'Olukiiko ne T.Lwanga eyali Omukulu wa Polisi ya Buganda.*** Abakulu mabo omusanvu nab beetwala bokka ku polisi era nabo ne babuuzibwa akana n'akataano. Era kw'abo ne kuddako buli muntu gavumenti y'Obote gwe yalwooza nti yalina ky'amanyi ku nsonga ezaaleeta akatabanguko mu Buganda abamu ne basibwa n'okusibwa. Mu baasibwa mwalimu Nnabagereka wa Buganda, Damali Nakawoombe, Sarah Kabejja n'Omumbejja Nnaalinnya Victoria Mpologoma.

## SHABAN OPOLOT AZINGIRWAMU

Ku ntandikwa ya October 1966, Brigadier Shaban Opolot, Omukulu w 'Amaggye, yakwatibwa era ne kirangirirwa mu butongole nti agobeddwa mu maggye ga Uganda. Yavunaanibwa olw'okwetaba n'okweyisa mu ngeri egambibwa nti yali eyonoona embeera ennungi n'obutebenkevu mu maggye ga Uganda. Olwo Colonel Idi Amin, yali akuziddwa okutwala ekifo kya Opolot. Mu bantu abalala abaakwatibwa mu kiseera kino mwalimu Musisis, Private Secretary wa Kabaka n e Yafesi Katimbo, D.C. e Masaka mu gavumenti ya Kabaka.

Ku lwa October 9, 1966 waaliwo omukolo ku kisaawe ky'ennyonyi eky'e Kololo ogw'okujjukira okwefuga Uganda nga ewezezza emyaka ena. Mu kwogerakwe Obote yakkiriza nga bwe waaliwo okudda emabega mu by'obufuzi okuva mu mwaka ogwo lwe gwatandika. Yategeeza nti Gavumenti terina kirowoozo kya kuggyawo biseera bya kabenje mu Buganda okutuusa nga enkyuukakyuuka kasiggu ezikwata ku ngeri y'okufugamu Buganda zimaze okussibwawo era nga zikola bulungi.

Ekyuukakyuuka eza ssinziggu mu Buganda zaali zaatandika mu June 1966, Obote bwe yaggyawo Gavumenti ya Buganda ne Buganda

n'agisalamu Districts 4. Kyokka newakubadde nga ebyo byaliwo, Obote yali akyategekayo ebirala ebya ssinziggu mu Buganda. Kwe kutegeeza nti mu myezi mitono Gavumenti yali ejja kuteekawo enkyukakyuka ez'amaanyi ezinaasiguukulula abo bonna abaaleetawo emitawaana.

## UGANDA EFUUKA REPUBLIC

Ku ntandikwa September 1967 Olukiiko olufuga UPC lwatuula ne lugoba aba UPC 12 okuva mu kibiina. Ne Baminisita abo abaali abasibe mwe baabagobera. Abalala abaagobwa be bano: Obwangor, yali Minisita mu Gavumenti ya Uganda, ***E. Mashate***, ***J.W. Kiwanuka***, MP; ***Abu Mayanja***, MP; ***F.G. Sembeguya***, MP; ***Kezekia Musisi*** ne ***Eriabu Lwebuga***. Bwe baabagoba mu UPC bo ababaka ne badda ku ludda oluvuganya ne Gavumenti ne batuulanga n'aba DP.

Ku lwa September 8, 1967 Palimenti yayisa Konsititusoni ya Uganda Empya nga edda mu kifo ky'eya April 1966. Konsititusoni eno ye yafuula Uganda okuba Republic. Dr. Milton Obote, yagamba nti mu butundu 53 obwateekebwa mu Konsititusoni eno empya kulongoosa eya 1966, mwe mwali n'akatundu akalaga Obwakabaka bwa Buganda nga bwe bwaggyibwawo ku lwa May 24, 1966. Era okuva olwo Gavumenti ya Buganda lwe yaggyibwawo mu 1967 ennyumba ya Bulange n'etwalibwa ab'amagye ga Uganda oluvannyuma ne bagituuma R epublic House. Wabula yo entegeka y'obufuzi eno empya, obutafaanana nga eri eya April 1966, yateesebwako aba palimenti okumala emyezi esatu. Ku olwo olwa Sept. 8, 1967, Dr. Obote yaleeta ekiteeso mu palimenti nti:

VIP

***"Olukiiko luno lukkirize okuyisa entegeka Gavumenti gye yaleeta nga emaze okuteesebwako mu Lukiiko olubadde lukola entegeka y'obufuzi bwa Uganda Empa, nga lusinziira mu kitundu 145 mu ntegeka y'obufuzi bwa Uganda eya 1966 ekigamba nti palimenti erituula nga Olukiiko olukola entegeka y'obufuzi bwa Uganda (Constituent Assembly), lusobole okukolawo entegeka y'obuufuzi endala. Entegeka y'bufuzi empya yiino ewedde okuteesaako mu sigadde kugiyisa."***

Entegeka y'obufuzi empya bwe yakubwak akalulu mu palimenti abaagisemba baali 62. Tewaali wa UPC yagiwakanya. Kyokka aba DP



bano basatu abaaliwo mu palimenti bo tebaalina ludda, D.A. Patel, M.A. Okello (DP West Nile ne Madi) ne J. H. Obonyo (DP Acholi). Okuva ku lwa Sept. 8, 1967 ebitundu ebya Uganda byafuuka republic, Bakabaka n'Abafuzi abalala ab' Emikolo mu Uganda bonna baggyibwawo.

Abaganda bagamba nti "Tufaanane, tekiba kyalo." Amakulu nti abantu bonna ku kyalo tebayinza kufaanagana. Gavumenti yagamba nti "Ekyagendererwa kwe kugatta awamu Uganda yonna nga eri ggwanga limu kwe kuggyawo Obwakabaka. Ebitundu byonna ebya Uganda byasalibwamu districts nga zirina enkiiko eziri ku mutindo gwe gumu era nga zonna zifugibwa mu ngeri y'emu ddala. Kino kiryoke kiyambe okuzimba Uganda nga eggwanga eriri awamu eryegasse."

Aba palimenti bangi mu kuteesa kuno, n'okusingira ddala aba Buganda ne Bunyoro baawakanya nnyo eby'okuggyawo obufuzi bw'ensikirano. Abu Mayanja yagamba nti: ***"Newakubadde nga ssi nze muntu alowooleza mu buwangawanga, naye ndaba nti okugyawo Bakabaka ssi kye kinaaleetawo okwegatta kwa Uganda. Bakabaka bamaze ebbanga ddene nnyo nga bafuga mu Uganda. Baabeerawo dda nga ne bino eby'enkiiko zi palimenti tebinnaba na kulowoozebwako. Ndaba nti enkola y'ebika (Clans) eriwo mu Buganda, nkola nnungi nnyo era eyamba nnyo mu kugatta awamu abantu ba Buganda. Ebika bikolera ku Kabaka (Ssaabataka). Nolwekyo siraba Ebika bya Buganda bwe birisobola kuubeerawo nga tumaze okuggyawo Kabaka.***

***Ffe wano tetulina buyinza kuggyawo Bwakabaka. Ekyandisinze obulungi kwe kubuuza abantu abali mu bitundu ebifugibwa Bakabaka be baba basalawo obanga Bakabaka baabwe tebakyabaagala. Ffe Bammemba ba Buganda abali mu palimenti twalonderwa ku tikiti ya KY, era tweyama okukuumanga Obwakabaka n'okubunyweza. Nolwekyo tetuyinza kugolola mikono ne tukkiriza Obwakabaka buveewo. Yadde n'aba UPC nabo bwe bakkiriza okuggyawo Obwakabaka baba basobezza nnyo. Kubanga ekimu ku bigendererwa ekibiina kino ebiri ku kaada ya UPC kwe kukuuma Obwakabaka obuliwo mu Uganda sso ssi kubuggyawo."***

Omukiise omu ow'e Bunyoro eyali awolereza ennyo Obwakabaka buleme kuvaawo, baamuvumula ne bamugamba nti: "Tofaayo, kubanga okuggyawo Obwakabaka kulinga omusawo bw'akukuba empiso ey'omusujja. Ekuluma naye oluvannyuma ekuwonya obulwadde." Newakubadde nga bangiko baawakanya okuggyawo Obwakabaka n'Abafuzi ab'Emikolo naye bonna baaggyibwawo. Gavumenti ya Obote n'erangirira Uganda okuba republic, enfuga ey'ekipooli Buganda gye yalwanyisa ennyo bw'etyo, nti tegenda kubasobozesa kukuuma mpisa zaabwe ez'obuwangwa n'ennono zaabwe, ku luno yali ekomyewo. Era ku Bwakabaka kwe yatuukira n'ebuggyawo.

## ABAFUZI AB'ENSIKIRANO ABAGGYIBWAWO

Mu kiseera ky'Ameefuga ga Uganda mu October 1962, abafuzi ab'ensikirano abaali bafuga ebitundu byabwe baali bwe bati:-

1. Sir Edward William Fredrick David Walugembe Mutebi Luwangula Muteesa II. Kabaka era Ssaabataka wa Buganda, yazaalibwa mu 1924 era n'alya Obwakabaka bw'e Buganda mu 1939.

2. Sir Tito Gafabusa Winyi IV, Omukama w'e Bunyoro, mu kiseera eky'okuweebwa okwefuga kwa Uganda yali aweza emyaka 70 egy'obukulu. Yasikira Obukama bw'e Bunyoro mu 1924. Yafuna obwa Knight mu 1955 mu kiseera Obukama bw'e Bunyoro we bwakolera Endagaano Empya ne Bungereza ng'edda mu kifo ky'eri enkadde eya 1933. Omukama Sir Tito Winyi yaliwo mu Llondon mu 1962 nga bateesa n'obuvumu obungi n'obumalirivu ku "Masaza Agaabula".

3. Sir Godfrey Gasyonga II, Omugabe wa Ankole. Mu kiseera ky'ameefuga ga Uganda yali aweza emyaka 50 egy'obukulu, yasikira E§§oma ya Ankole mu 1945. Yaweebwa obwa Knight mu 1962. Yaliwo okuteeseza ensi ye mu Lukiiko olwateesa ebya Konsititusoni ya Uganda mu London mu 1962.

4. Sir George Kamurasi Rukidi III, w'e Toro. Mu 1962 yali wa myaka 58 egy'obukulu. Yalya Obukama bw'e Toro mu 1928.



Abo be Bakabaka abaaliwo nga bafuga Obwakabaka bwabwe Uganda bwe yatandika okwefuga, era be baaggyibwawo mu Konsititusoni eya 1967 eyafuula Uganda okuba Republic.

## ETTEEKA ERY'OKUKUUMA EMIREMBE

Newakubadde nga ensonga enkulu *"Ey'okukuuma eddembe ly'abantu"* mu Konsititusoni ya 19 67 yateekebwako nnyo essira, **naye mu mwaka gwe gumu** Gavumenti ya Uganda yateekawo etteeka eriwa pulezidenti obuyinza okuggyawo eddembe ly'obuntu nga ayinza okukwata n'okuteeka omuntu yenna owa Uganda mu kkomera, nga tawozesebbwako na mu mbuga z'amateeka, yadde okutegeezebwa ogumuvunaanibwa, naye n'ateekebwa mu nkomyo okumala ebbanga eritali ggere. Lino ly'etteeka eriyitibwa "Etteeka ery'okukuuma emirembe n'obutebenkevu eby'abantu bonna erya 1967" **(Public Oru..r and Security Act 1967)!!!**

Mu tteeka lino, pulezidenti oba Minisita yenna gw'aba atikidde (okusinga Minisita w'Ensonga Ez'omunda) alina obuyinza okulagira omuntu yenna okukwatibwa n'ateekebwa mu kkomera, pulezidenti bw'amatira nti omuntu oyo abadde yeeyisa, na buli kati yeeyisa oba ajja kweyisa mu ngeri eyinza okuziyiza omuntu oyo aleme kweyisa yadde okukola nga bw'abadde yeeyisa oba bw'abadde akola.

Omuntu yenna akwatibwa mu tteeka lino ayinza okusibibwa ebbanga lyonna awatali kuwawaabirwa musango gwonna yadde okuwozesebwa mu kooti z'amateeka era ne wataba kooti evunaana. Etteeka liragira amannya g'abantu ababa basibiddwa mu ngeri eno okulagibwa mu "Uganda Gazette" mu bbanga lya nnaku asatu (30) Era liragira okuteekawo kooti ey'anjawulo (Tribunal) okwekkaanya ensonga z'abasibe abo. Naye nga ensala ya kooti eno tesiba Gavumenti kugigoberera yadde okugyoleka mu lwatu. Pulezidenti yekka oba Minisita gw'aba alagidde, y'alina obuyinza okumenyawo oba okukyusa ku kiragiro ekisiba omuntu mu tteeka lino.

ESSUULA 8

# OMULIRO GUZIKIRA

Ssekabaka Muteesa II yali asituka okudda mu ssimu eyali emukubiddwa kwe kugwa eri n'azirika era n'ayitirayo n'afa ekiro nga 22 November 1969! Yafa ku lunaku n'Omwezi bye bimu nga Kitaawe, Daudi Ccwa kwe yafiira. Kabaka Daudi Ccwa yakisa omukono nga 21, November 1939.

Obulwadde bwe nnyini obwavaako okufa kwa Muteesa II bwali buzibu okukakasa. Ensonga eyaleetawo okubuusabuusa mu mitima gy'abantu be kwe kuba nti abantu ba Muteesa abaaliwo mu kiseera we yafiira, n'abo abaatuukawo amangu nga omuntu kyajje afe, baalemwa okumatizibwa lipoota y'omusawo nga agamba nti:
***"Sir Edward yafudde olw'obutwa obungi mu mubiri gwe nga buva mu kunywa ennyo o mwenge."*** Amawulire amatongole gaayogera bwe gati ku by'okufa kwa Muteesa II:
***"Sir Edward Muteesa I, eyali Kabaka wa Buganda, yasangiddwa omusajja we abadde amuweereza, Joswa Katende, mu nnyumba gy'abadde asulamu mu London nga agudde awo takyalimu kategeera ku Lwokutaano ekiro nga November 21, 1969. Yaasituliddwa n'atwalibwa mu ddwaliro naye baagenze okumutuusaayo nga amaze okufa!"***

Amawulire gayongera ne gategeeza nti; "***Ekiwandiiko ekyavudde ku poliisi mu London kyategeezezza nti abapoliisi bwe baatuuse mu kisenge omugenzi mwe yabadde agudde tebalabyewo kintu kyonna ekiyinza okubalowoozesa nti oba waabaddewo ekintu ekitali kituufu ekyavuddeko okufa kw'omugenzi Sir Edward***".
Naye amawulire amalala agataali matongole gaakakasa nti Kabaka Muteesa yaweebwa butwa era bwe bwamutta nga buteeberezebwa okuba nga bwamuweebwa omu ku bawala Abaganda abaali naye ku kabaga k'amazaalibwa ge agaaliwo eggulolimu.

Amangu ddala nga Gavumenti ya Uganda yaakafuna amawulire g'okufa kwa Kabaka Muteesa II, yaweereza obubaka bwayo obukubagiza Lady Damali, Nnamwandu wa Muteesa II. Obubaka obwaweerezebwa



Frank Kilimuzo eyali omuwandiisi owa Cabinet bwasom bwe buti:-

**Munnange Lady Damali.**

***"Ndagiddwa pulezidenti, ku lwa Gavumenti ya Uganda, okukuweereza okukubagiza n'okukusaasira kwabwe ggwe olw'okufiirwa balo, omugenzi, Sir Edward Muteesa II. Era ndagiddwa okukutegeeza nti Gavumenti ya Uganda, emaze okulagira Omubaka waayo atuula mu London, asabe ab'obuyinza mu Bungereza okutuwa lipoota ku ky'avuddeko okufa kwe. Era nsaana okukutegeeza nti Gavumenti emaze okulagira Omubaka waayo, High Commissioner, akole mangu enteekateeka enjole ekomezebwewo mu Uganda eziikibwe. Nzijja kwongera okukutegeeza entegeka z'eby'okuziika nga bwe zinaabeera. Nange ka nkozese omukisa guno okukusaasira olw'okufiirwa okwo."***

**Owuwo ddala,**
**F.K. Kalimuzo.**

Naye Damali Nnaabagereka eby'okumanya enteekateeka z'eby'okuziika teyabirinda. Bw'atyo ku lwa Sunday nga November 23, yakwata ensawo ye n'agenda akwata ennyonyi ku kisaawe e Ntebe n'agubagguba okugenda mu lumbe lwa Muteesa mu London. Abantu batono ddala ku b'oluganda n'ab'emikwano abaali ku kisaawe okusiibula Nnamwandu Nnaabagereka. Yakola bulungi okugenda amangu e Bungereza, kubanga mu mateeka gaayo, Nnamwandu yalina obuyinza okusalawo ku by'okuziika omulambo gwa bba. Tekiri nga eno ewaffe nti tunaabuuza omukulu w'oluggya lw'omugenzi. Bo babuuza Nnamwandu.

Kyategeezebwa nti omusawo eyasooka okulongoosa enjole ya Muteesa II ku Monday nga November 24, teyasobola kuzuula ekyavaako okufa kwe. Ye kwe kutegeeza nti kijja kwetaaga omusawo omukenkufu mu by'endwadde ezitta abantu y'aba akebera azuule ekyasse omuntu ono. Bw'etyo Gavumenti ya Bungereza kye yava eronda Dr. A. Davies okuba offisa (Coroner) akuliraKooti ebuuliriza okuzuula ekyavaako Muteesa okufa ekikutuko mu ngeri eyo.

Nnamwandu Nnaabagereka nga atuuse e Bungereza yateeseganya mangu n'abantu ba Muteesa be yasangawo nga Mayanja Nkangi ne Fred Mpanga n'abalala ne balonda Martin Flegg, Looya eyateranga okukola ku bintu bya Muteesa, nga y'ajja okubeerawo mu linnya lya Nnamwandu Nnaabagereka nga Kooti ewuliraa obujulirwa obunaaweebwa ku by'okufa kwa bba. Ate Looya omulala Basil Green, ye yaliwo mu linnya lya High Commissioner wa Uganda mu Bungereza. Abapoliisi baawa obujulirwa ne Joswa Katende, omusajja wa Muteesa eyaliwo mu kiseera we yafiira, naye n'awa obujulirwa mu Kooti ya "Coroner". Bwe yabuuzibwa oba nga mukama we abadde anywa nnyo omwenge era oba nga ku lunaku olwo lwe yafa nga yamalakunywa n'aitiriza Katende yaddamu nti:

***"Mukama wange omwenge abadde anywa, naye ku olwo lwe yafa yali tanywedde mwenge muyitirivu ogugambisa nti gwandimuviireddemu okufa."***

Omusawo omukugu mu by'endwadde ezitta abantu (pathologist) eyalondebwa okukebera enjole ya Muteesa teyalwa naye n'asoma lipoota ye nga agamba bw'ati:-

***"Muteesa II yafa kubanga yalina obutwa bungi mu mubiri gwe nga buva ku kunywa omwenge." Bw'atyo Omulamuzi (Coroner) mu nsala ye yakakasa bukakasa eby'omusawo nti:***

***"Muteesa yafa kunywa mwenge, obutwa bw'omwenge ne bubeera bungi mu mubiri gwe!!!"***

Ku lunaku olwo Lady Damali agagenda mu kooti teyagafuna, naye Looya we Mr. Flegg yategeeza mu Kooti nti yali alagiddwa Nnamwandu Nnaabagereka, okutegeeza nti nga asinziira ku magezi agaali gamuweereddwa abantu be, asazeewo nti kyandibadde kirungi enjole ya Muteesa egira eziikibwa mu Bungereza, kubanga mu kiseera kino mu Uganda eriyo amateeka ag'obutabanguko. Mr. Basil Green eyaliwo ku lwa High Commissioner wa Uganda mu London naye yategeeza Kooti nti:

"Gavumenti ya Uganda yaweereza obubaka obw'okukubagiza eri Nnamwandu Nnaabagereka era n'emutegeeza nga bwe yeeteseteese



okuzzayo enjole ya Sir Edward mu Uganda mu ngeri y'emu nga Gavumenti bwe yandikoze ku muntu yenna omulala omuzaaliranwa wa Uganda".

Ebyo byabeerawo mu London nga era n'entegeka ez'okuziika enjole mu ngeri y'ekiseera bwe zikolebwa. Kyateesebwa enjole eziikibwe ku Wednesday, December 3, 1969, nga eziikibwa mu bitiibwa ebijjuvu eby'amagye. Enjole baali bajja kusooka okugisabira mu Chapel y'amagye ga Grenadier Guards eri mu nkambi yaabwe ey'e Wellington, kubanga Sir Edward yali Lt. Colonel (honorary) mu kibinja ekyo eky'amagye agakuuma Queen wa Bungereza, oluvannyuma eryoke eziikibwe mu limbo eyitibwa Kensal Green Cementry.


Ate wano mu Buganda, newakubadde nga embeera yali nzibu nnyo mu kiseera ekyo naye waaliwo abantu abaawerako aabaalaga obuvumu obwekitalo ne beevaamu okuwondera Nnaabagereka ne bagenda e London okubaawo mu kuziika Kabaka waabwe.



***Bp.Adrian Dungu***



***Omulangira David Simbwa***



***Matte Mukasa***

Mw'abo mwe mwali ***Bishop Adrian Dungu*** ow'e Masaka, ***Reverend Yokana Mukasa***, Dean w'e Namirembe, ***Benedicto Kagimu Kiwanuka***, Prime Minister wa Uganda eyasooka, ***Omulangira David Simbwa,*** muto wa Sir Edward Muteesa era gwe yali naye mu lutalo lw'e Mengo, ***Joseph W. Kiwanuka***, Munnamawulire ate munnabyabufuzi omwatikirivu, ***Stanley Bemba*** ne ***James Lutaaya***, abaatumwa okukiikirira abaali ababaka b'olukiiko lw'e Mengo ne ***Matte***

*Mukasa*, eyakiikirira abayizi Abaganda abaali basomera mu Makerere University. Abaasomerako e Budo (Bannabuddo) baaweereza ekimuli eri Nnabagereka wa Buganda kiteekebwe ku ssanduko omwali enjole ya Ssaabasajja awamu n'essimu empandiike omwali obubaka bwabwe.

## OKUSABIRA ENJOLE MU LONDON


Enjole ya Ssekabaka Sir Edward Fredrick Muteesa II, ku lunaku lwa December 3, 1969 lwe yaziikibwa n'ekitiibwa ekijjuvu mu nziika ya Bannamagye. Chapel y'aba Grenadier Guards ey'e Willington omwali eby'okusaba yajjula n'efuuwa abantu ab'amadaala agatali gamu abaava mu Bungereza era na wano mu Uganda. Ssanduuko omwali enjole yali ebikkiddwako Bbendera ya Bungereza, Union Jack, ate ku ngulu ne kuteekebwako Ekitala, enkufiira era ne medulo ebyamuweebwa Amaagye ga Bungereza n'olw'ekitiibwa eky'obwa Knight (Sir) ekya Bungereza.

Ssanduko yasitulibwa abajaasi ab'ekibinja Edward Muteesa mwe yali nga Lt. Colonel ne Band eyakuba ennyimba mu kusaba nayo yava mu ba Grenadier Guards. Queen wa Bungereza yakiikirirwa Colonel Peter Prescott, Omuduumizi wa Grenadier Guards mu kusabira Ssekabaka ate abakulu abalala bangi omwali Sir Alex Douglas- Home, eyaliko Katikkiro wa Bungereza, Jeremy Thorpe, Omukulembeze wa Liberal Party, Dr. Leslie Brown, eyaliko Archbishop wa Uganda, Bishop C.E. Stuart naye eyali Omulabirizi wa Church ya Uganda, bombi abaakulembera emikolo egy'okusaba nga bayambibwako Bishop A.K.Dungu ne Yokana Mukasa, abaali bavudde mu Uganda, J.S.Mayanja Nkangi, Katikkiro wa Buganda,Nnabagereka Damali, Omumbejja Dorothy Nassolo, Omulangira Ronnie Mutebi ,mikwano gya Muteesa enfiirabulago era abaasigala ng'abakuza b'Omulangira Ronnie Mutebi ,Lord Carr Gomm ne Captain Owen n'abantu abalala bangi.

Mu kubuulira, Reverend Canon Taylor, Secretary General wa C.M.S. mu Bungereza yagamba bw'ati:
***"Tetuyinza mu kiseera kino kumala banga nga twogera ebigambo ebitendereza obulamu bwa Muteesa, kubanga obulamu bwe bwalimu ebintu bingi eby'entiisa. Wabula kye tutayinza kubuusa maaso kye kino nti Muteesa yalwana naye n'awangulwa abo***



***abaakozesa omukisa gw'ebyo ebimu bye yalemwanga mu bulamu bwe. Yawangulwa era naye n'ategeera bwe yawangulwa. Bw'atyo n'akkiriza n'okufunanga obuyambi bwa Gavumenti obuweebwa abantu okubabeezaawo (doll). Wabula ebintu byonna eby'entiisa ebyatuuka ku bulamu bwe, ky'ekitundu obutundu eky'okulwanagana okubunye Africa yonna mu kiseera kino, nga abantu ba Africa mu buwanga obutonotono, aboogera olulimi olumu era nga balina empisa n'obulombolombo bwabwe bye bakuuma, bakoonagana n'abo abanoonya okugatta awamu ebitundu by'amawanga agatali gamu babifugire wamu."*** Yafundikira okubuulira kwe ng'akoowoola abantu b'Africa bayige okukolera awamu mu mutima ogwerekereza n'okussiŋŋanamu ekitiibwa lwe balisobola okutereeza n'okumalawo ebizibu by'Africa. Oluvannyuma, enjole yaziikibwa mu limbo y'e Kensal Green, mu ngeri y'ekiseera mu buvunaanyizibwa bw'Omulangira HenryKimera. Mu limbo muno mwe mwaziikibwa eyayatiikirira ennyo, Karl Marx (1818-1883) eyayiiya enfuga ya Socialism (Marxism).



*Lord Carr Gomm ne Major Owen, mikwano gya Muteesa abaamuyamba ennyo mu Bungereza*

Wabula wano mu Buganda eby'okusabira enjole ya Ssekabaka tebyalimu ddembe. Amateeka g'akabenje agaali gafuuse ag'olutentezi tegaaganya bantu kukuŋŋaana kusabira oba okwabya olumbe lwa Ssekabaka mu ddembe. Amangu nga kye bajje bawulire amawulire g'okuzaama kwa Kabaka, baatandika okukulugguka nga bagenda mu masiro e Kasubi. Abalala baagenda mu maka ga Nnaalinnya Irene Ndagire e Naakulabye. Abantu abaali mu nnaku bw'etyo kyababuukako abaserikale b'Amaggye bwe baabalumba ne bababunya emiwabo, olwo amaziga ne gabakalira ku matama era n e basaasaana nga bagenda bagwiirana. Bwe gatyo amaggye ne gaba ku bunkenke okuziyiza buli muntu yenna alabika nga alinga ayagala okuteekawo okukungubagira Muteesa mu lwatu. Mu Kanisa e Namirembe baali bategeseeyo okusaba okw'enjawulo naye nakwo kwasazibwamu era abakulu b'e Kanisa ne beetondera abaali bagenze okukwetabamu.

Newankubadde ebyo byali bwe bityo naye okusabira Muteesa kwaliyo mu kanisa zombi ez'e Makerere University. Era akawungeezi ako, abayizi b'e Makerere nga bawera nga 500 ab'Ekibiina kya ***Baana ba Buganda*** baakuma ekyooto awo wabweru w'ekizimbe ekikulu ekya University ne basula awo nga bakungubagira Kabaka wabwe. Okutambula okw'okukungubaga abayizi abo kwe baali bategese okuva e Makerere okutuuka e Kasubi, kwasazibwamu oluvannyuma lwa Principal wabwe, Yusufu Lule okubawa amagezi baleme kukukola olw'emitawaana egyali gisobola okukuvaamu. Kubanga mu kiseer a ekyo emizigo gyonna egifuluma mu University gyali giriko aba poliisi nga bakuuma butiribiri. Era nga bwe kyategeezebwa okusooka, abayizi abo baasobola okusindika omubaka waabwe muyizi munaabwe Matte Mukasa n'agenda e London okuziika Ssekabaka Muteesa II mu linnya lyabwe.

Naye ebyo nga tebinnabaawo Abataka Abakulu b'ebika mu Buganda baakuŋŋaanira mu maka g'Omumbejja Nnaalinya Ndagire e Nnaakulabye ne bateesa ku by'okukomyawo enjole ya Muteesa II eziikibwe kuno nga Gavumenti bwe yali eragidde. Naye Abataka nga bamaze okukuŋŋaanya ebirowoozo ku nsonga eyo, baasalawo ne bakkiriziganya wamu n'ebyo ebyali bimaze okulangirira Fred Mpanga mu London ne bagamba nti kyali kisingiko obulungi enjole ya Ssekabaka



Muteesa II okugira nga eziikibwa mu London, olw'amateeka agaliwo ag'akabenje mu Uganda. Ate era pbaalaba nga mu kiseera ekyo baali tebamanyidde ddala oba nga enjole bw'etuuka mu Buganda erikkirizibwa okuziikibwa mu kitiibwa ne mu bulombolombo, ebisaanira okuziikiramu Kabaka wabwe. Ebya Gavumenti ya Obote bye yali etegese kwe kugira nga bakyabimmye amazzi bisirire!

## GAVUMENTI YA OBOTE EWAMBIBWA

Mu kiro ekyo ekyakeesa olwa January 25, 1971 pulezidenti Obote n'abamu ku Baminisita be baali mu kibuga Singapole ekya Malaysia mu lukuŋŋaana olukulu olw'Amawanga agali mu luse olumu ne Bungereza (Commonwealth). Abantu abaalinga basula okumpi n'enkambi y'e Malire ne mu Kampala baawulira okubwatuka kw'emizinga nga bivuga munda mu Lubiri e Mmengo, era ne mu bitundu ebimu eby'e Kampala.

Bwe bwakya, olugambo ne lutandika okubuna ekibuga nti "Gavumenti ya Obote ab'amagye baagiwambye ekiro, kaakati bebali mu buyinza". Era mu nguudo ezimu ez'omu Kampala n'emiriraano mmotoka z'amaye nga ziriko abajaasi abaalina emizinga n'emmendu entono zaatandika okugenda nga zirawuna, naye nga tebalina kye bategeeza bantu ku biriwo. Nga ku radio Uganda kuliko nnyimba z'amagye nga ze ziyimba. Oluvannyuma omwogezi w'amagye, Sam Wilfred Aswa, Warrant Officer Class II, ye yasoma ekiwandiiko kya Bannamagye ku radio nga kigamba bwe kiti:

***"Tulabye nga kibadde kyetaagisa nnyo Abamagye okuwamba Gavumenti n'okutwala obuyinza bwonna obw'okufuga Uganda. Kino tukikoze nga tugenderera okutaasa eggwanga eriri mu kabi akanene kati lireme kweyongera kugwa mu katyabaga."***
***"Obuyinza obw'okufuga kati tubukwasa mujaasi munnaffe, Major General Idi Amin Dada, era kisaanira mulindirire okuwulira ebigambo bye by'agenda okubatuusaako amangu nga bwe kisoboka. Kino tukikoze ku lwa Katonda ne ku lw'ensi yaffe."***

Baamenya ensonga 18 kwe baasinziira okuggyako Gavumenti ebaddeko. Yagenda nga akisoma nga bw'agenda akiddamu okutuusiza ddala

akawungeezi k'olunaku olwo. Essaawa bwe zaatuuka nga kkumi ez'olweggulo January 25, ne kiwulirwa nga abantu bayita mu nguudo z'ekibuga nga bagenda baleekaana era nga bwe bafuwa eŋŋombe za mmotokaa obutaggyako."



*Generala Idi Amin Dada*

Abantu aba bulijjo abasajja n'abakazi n'abaana abato nga batudde munda ne ku ngulu kw'emmotoka z'amagye wamu n'ab'amagye. Abalala nga batudde ku ttanka z'amagye waggulu okuli n'emizinga n'emmundu ennene naye nga abamagye tebababafaako! Abalala nga batudde abasinga obungi mu mmotoka entono ne taxi ne baasi munda ne ku ngulu, bonna nga bakutte amatabi g'emiti nga bagenda bayimba nga bajaguza nga bayisa ekivulu wonna mu nguudo z'ekibuga. Naye nga ekyali e Katwe ne ku luguudo lw'e Ntebe okutuuka e Kajjansi kyayitirira! Ebyaddirira yali Mw.W. E.W. Oryema, Inspector General wa Uganda police, eyagamba bw'ati:-

***"Nze ne General Amin tumaze okukkiriziganya nti Gavumenti ya Ugandaa ejja kuddukanyizibwa Bannamagye. Ate era nga nze nzijja okubeera Inspector General wa police ya Uganda yonna, naye nga nkolera wansi w'ebiragiro bya General Idi Amin."***



General Idi Amin ye yali ow'okusatu mu kulangirira ku radio eby'okuwambibwa kwa Gavumenti ya Dr. Obote bw'ati:-

***"Nze, General Idi Amin, njogera kye muli olwa leero nga tuli mu kiseera kino ekiriwo naye nga kikulu nnyo mu byafaayo by'eggwanga lyaffe. Akaseera katono akaakayita, bannamagye babadde baakamala okuddira obuyinza bwonna obwa Gavumenti ne babuteeka mu mikono gyange."***

Enkya nga Jan. 26, Major General Idi Amin Dada yayita ab'amawulire. Yabagamba nti: ***"Enjole ya Sir Edward Muteesa ejja kukomezebwawo mu Uganda eziikibwe mu kitiibwa ky'amagye ne mu mpisa n'obulombolombo obw'ensi ye."***

General Idi Amin yategeeza nti ajja kuteeseganyamu ne Commissioner w'Amakomera F.L. Okware, bonna abaasibibwa mu butali butuufu bayimbulwe bagende. Okusisinkana n'abaali Bakabaka, Abalangiran'Abambejja abakulu n'abafuzi b'emikolo abomu bitundu ebirala ebya Uganda etaalinga Bakabaka, bonna baabayita bajje bamulabe mu State House e Ntebe ku Saturday nga February 20, 1971. Mu Buganda yayita Abalangira abakulu nga George Mawanda, Badru Kakungulu n'Abambejja abamu. Abalala be yayita Omukama w'e Bunyoro, Omugabe w'e Ankole, Omukama w'e Toro, Kyabazinga w'e Busoga, Ssenkulu w'e Bukedi, Omuinga w'e Bugisu, Laboya – Maberwa ow'e Acholi, Loprigo ow'e Madi, Rutakirwa ow'e Kigezi, Jalesiga ow'e West Nile.

Abakulu abo bwe baatuuka e Ntebe baasaalirwa nnyo okulaba nga Amin yali tabayise kuzzaawo bifo byabwe eby'obufuzi nga bwe baali basuubidde. Amin yali tajja kugenda nga aggyawo ebyo byonna Gavumenti ya UPC bye yaleka ekakaatiseewo. Ebimu yali ajja kwongera bwongezi kubinyweza. Anti Amin naye yali wa UPC omukukuutivu. Kale bwe baatuuka e Ntebe baasanga ayise Ababaka b'amawanga amalala, aba Uganda mu mawanga amalala, Ababaka ba Televizoni ne radio ez'amawanga amalala n'abamawulire ab'ensi nnyingi. Bwe yatandika okwogera n'agamba nti, "Uganda ejja kusigala nga efugibwa nga Republic (nga teriimu Bakabaka)."